1 KASEERA KA KULONDA

A. Yusufu yakola bulungi okubuulira ab'ekika kye ku birooto bye basobole okutendereza Katonda nga bimaze okutuukirira.

B. Yusufu yandibadde asirika kuba yali akimanyi nti ebirooto bye bijja kuyisa bubi ab'ekika kye.

EKYANGU

EKYA WAKATI

EKIKALUBO



2 KASEERA KA KULONDA

A. Okugwa mu luzzi kyali tekinyuma naye ate okuleka omulimu gwe omubi ogw'okulunda endiga n'agenda mu ggwanga eddala kyandimunyumidde nnyo singa yali teyesibye ku kunyiigira baganda be.

B. Yusufu yandibadde ayiga okulwana n'alyoka ayigiriza baganda be essomo era n'akakasa nti tebasobola kumusuula mu luzzi.

C. Yusufu yandibadde akitegera nti baganda be baali balina akatego ke bamuteze bwe baamukasukira omuguwa okumuggya mu luzzi. Yandibadde agaana okuvaayo era ne yeefiisa.

EKYANGU

EKYA WAKATI

EKIKALUBO

3 KASEERA KA KULONDA

A. Yusufu yali mutuufu okukola ng'omuweereza omwetoowaze n'okukola buli mulimu Potifali gwe yamuwa.

B. Yusufu yandibadde yeefuula ow'akabi era n'annyonnyola Potifali entegeka ennene Katonda ze yali alina eri obulamu bwe. Yandibbadde afuna omulimu ogw'amaanyi singa yintaviyu yagikola bulungi.

EKYANGU

EKYA WAKATI

EKIKALUBO



4 KASEERA KA KULONDA

A. Yusufu yandibadde asala amagezi ag'okuwuliziganya n'omusenero wa Kabaka ng'okufuna ennamba ye ey'essimu oba okumuweereza akabaluwa ng'ayita mu mukuumi. Ekkomera yandibadde alivaamu mangu singa yagezaako nnyo.

B. Yusufu yali mutuufu okugumikiriza n'okusigala ng'akola omulimu ogwali gumuwereddwa n'okulindirira ng'akimanyi nti Katonda ajja kutuukiriza ebirooto bye yali yafuna ng'akyali muvubuka.

EKYANGU

EKYA WAKATI

EKIKALUBO



5 KASEERA KA KULONDA

A. Yusufu yandibadde akaka baganda be okwejjusa ebikolwa byabwe era ne bamuvunnamira nga bwe kyali mu birooto bye. Yalina akakisa k'okwesasuza era yandibadde akakozesa okubayigiriza essomo.

B. Yusufu yakola bulungi okubuulira Falaawo ebirooto bye kye byali bitegeeza, okuyamba eggwanga okwetegekera ekyeya ekyali kijja n'okukkiriza abagwira okumugulako eng'aano okubawonya enjala.

EKYANGU

EKYA WAKATI

EKIKALUBO